

Omugenzi Mirembe.

# Eyabula emyezi 6 basanze ng'umbagumba

Bya MOSES LEMISA

OMUTUUZE eyali yabula emyezi 6 egiyise basanze ngumbagumba ng'abatemu baamutemula omulambo ne baguzinga mu masuuka ne bagusiba mu mukeeka.

Bino bibadde ku kyalo Nabiteete e Bbombo Kalule ekisangibwa mu disitulikiti ye Luweero, abatuuze bwe baasanze omulambo gwa Nnaalongo Asiya Mirembe 48 nga gusigaddeko magumba.

Okuzuula omulambo gwa Mirembe, nnannyini mayumba omugenzi kw'eyali asula yamaze kulaba ng'ebbanga ligenze nga tamulaba bw'aggulawo bbaala ye n'ateeka abaffamire ye ku nninga okusengula ebintu bye mu nju ye asobole okufuniramu omupangisa omulala.

Aba ffamire bwe baamenye oluggi ekivundu kye kyabaanirizza. Engeri gye baasanze ennyumba nga kirabika abazigu olw'amala okumutta oluggi ne balusibako kkufulu.

Baayise poliisi ye Kalule eyatutte omulambo e Mulago okugwekebejja.

Omugenzi yalese abaana 6 nga yaziikiddwa ku kyalo Kanyanda mu disitulikiti ye Luweero.

Omwogezi wa poliisi mu bitundu bya Savana, Sam Twiineamazima yategeezezza nti poliisi yatandise okunoonyereza ku ttemu lino, yagambye nti omugenzi yali atunda mwenge mu bbaala ye era nga mw'asula n'agattako nti kiteeberezebwa nti muganzi we oba mukwano gwe ye yali emabega w'okumutta.